# Bajjumbidde emijoozi gy'emisinde gya Kabaka

Bya PONSIANO NSIMBI

BBANKA ya Centenary eyongedde ebbugumu mu misinde gy'amazaalibwa ga Kabaka egya wiikendi ejja, bw'egulidde abakozi baayo emijoozi gya 2,500,000/-.

Kitunzi wa Vision Group ate nga muweereza ku Bukedde TV, Dorah Naamala ye yakwasizza akulira ebyempuliziganya mu Centenary Bank, Allen Ayebare emijoozi ku kitebe kya bbanka eyo mu Kampala.

Ayebare eyasoose okusala ddansi ng'ali ne bakozi banne, yagambye nti bbanka yaabwe ewagira ensonga z'Obwakabaka era ng'ezze yeetaba mu misinde gino okuviira ddala ku ntandikwa.

''Ekikwatagana n'obulwadde bwa mukenenya kitukwatako nnyo kubanga twagala nnyo okukolagana ne bakasitoma abalamu obulungi,''Ayebare bwe yagasseeko.

Amazaalibwa ga Kabaka aga 71 gaakubeerawo nga April 13 kyokka emisinde gye gyakusimbulwa ku Lubiri ku Ssande ejja nga April 12. Givujjiriddwa Vision Group, Airtel, IBM Bank n'endala. Omujoozi gugula 25,000/- ng'ofunirako ensawo n'eccupa mw'ossa amazzi agakuyamba ng'odduka.

PONSIANO NSIMBI



Dorah Naamala (ku kkono) owa Vision Group n'abakozi ba Centenary Bank nga basala ddansi oluvannyuma lw'okugula emijoozi gy'emisinde gya Kabaka gya 2,500,000/- ku Lwokuna. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

Printed and published by The New Vision Printing and Publishing Co. Ltd., PO Box 9815, Kampala. Tel: 0414/312 337000. Registered at the GPO as a newspaper. Advertising Department, Pike House, Plot 17, First Street, Industrial Area next to Vision Group Head Office.